## OKUKKIRIZA BANNABBI

1*Tukkiriza nti Allah yalonda okuva mu bantu bannabbi oba abatume asobole okubassaako amateeka abantu gebalina okutambulirako .

2*Mu bannabbi abo Allah yalondamu ababaka

3*Yassa amateeka kubabaka abo era n'abalagira okugasomesa n'okugannyonnyola abantu .

4*Waliwo ababaka abamanyiddwa olw'obumalirivu obsuffu n'obuguminkiriza bwebakola mu kuweereeza Allah okusingako kubanabwe .Bano bali bataano :( Nuuhu ,Ibrahiimu,Musa,Isa masiya ne Mohammadi emirembe gibe kubo)

5*Okukkiriza obusiraamu tekitegeeza nti tolina kukkirizza nabbi Musa oba Isa oba omulala yonna.

6*Obusiraamu bukuyigirizza butya bwokkiriiriza mu bannabbi bonna mungeri entuufu.

7*Allah ow'ekitiibwa atugamba mu Quraane(mumakulu)

"Twakussaako ggwe ekitabo mu mazima nga kikakasa ebitabo ebyakisooka okukka era nga kibikuuma……..."(Quraane 5:48) kino kitegeeza nti kinnyonnyola amazima agaali mu bitabo ebyo agabubuzibwawo

8*Allah yatubuulirira agamu kumanya ga bannabbi ;atugamba mumakulu: "Mugambe (mwe abasiraamu)tukkirizza Allah ne'byobyeyatusaako ne'byobyeyassa ku Ibrahiimu,Ismail,Ishaaqa,Yakuubu ne'byo ebyaweebwa Musa ne Isa masiya n'ebyo ebyaweebwa bannabbi bonna okuva eri katonda waabwe .Tetwawulayawula mubo era naffe tuli bagonvu(basiraamu)gy'ali (Quraane 2:136).

9*Nabbi eyasooka ye Adamu eyavaamu abantu bonna

10*Mohammadi (emirembe gibe kuye) yeyasembayo mu bannabbi.Tewali nabbi alijja oluvannyuma lwe okutuusa ensi eno lw,eriggwawo.

11*Nabwekityo eddiini ye yentuufu yokka eyamazima okutuusa enkomerero lw'elibaawo.

12*Ye mohammadi mutaabini wa Abuddalla mutabaani wa muttwalibi.Yali muwarabu ng'ava mu ggwanga eryatikirivu ery'abakurayishi ate nga muzzukulu wa Ibrahiimu ne Ismaili (emirembe gibe kubo)

13*Yazaalibwa mu kibuga Makkah mu mwaka 570 A.D ogwamanyibwa nga omwaka gw'enjovu.

14*Alla yamussaako obubaka nga'weza emyaka makumi ana (40).egy'obukulu

15*Yabeera mu makkah emyaka kkumi ne'satu (13)ng'ayita abantu okukkirizza Allah omu.

16*Baali abantu batono ddala abaamukkirizza mu ntandiikwa.

17*Oluvannyuma yasengukira e Madina era n'akowoola abantu baayo okukkirizza Allah era bo bamukkiriza .

18*Yawangula ekibuga makka ngawayise emyaka 8 oluvanyuuma lwo'kusenguuka kwe era naba nga yemukulembeze waakyo wamu ne madina .Yaffa nga'wezezza emyaka 63 era nga Quraane yonna emazze okusibwa kuye era nga abawalabu bakkirizza obusiramu.

## OKUKKIRIZA OLUNAKU LW'ENKOMERERO

1*Tukkiriza nti wajjakubaawo obulamu obulala oluvannyuma lwa buno bwetulimu .

2*Ekiseera katonda kye yateekateeka ensi okubaawo bwe kinaggwako ajjakulagira malayika efuuwe engombe era abantu bonna n'ebitonde ebirala balifa omulundi gumu

3*Oluvannyuma nga wayise ekiseera malayika ono alifuuwa engombe ey'okubiri era abaafa bonna okuva ku Adamu bave mu ntaana zaabwe .

4*Allah olwo ajja kukunganya abantu bonna abasasule byonna bye baakola kunsi

5*Abo abakkiriza Allah nebakkiriza n'ababaka be nti bamazima era nebakola emirimu emituufu ,Allah ajja kubateeka mu nyumba eyemirembe (ejjana)

6*Munnyumba eno (ejjana) tebalivaayo yadde okuddamu okuffa era nga bali mu mirembe gyokka.

7*Wabula abo abawakanya ababaka era nebajeemera amateeka ga Allah bo ajja kubateeka mumuliro gwe.

8*Nga bali mumuliro ogwo bajja kufunanga ebibonerezo ebyoluberera ebiruma enyoo.

9*Ayi Allah tukusaba otuteeke mu jjana era otukingirizze omuliro (jahannama) oleke okututeeka mu gwo Amiina

10*Allah owekitiibwa atugamba (mu makulu): "Abo abasukka nebayita ku nsalosalo ne balondawo kugendera kubulamu bwensi obuddiro bwabwe gwe muliro Jahannama.Ate abo abatya okuyimirizibwa mu maaso g'omulezi wabbwe ,era ne baziyiza emyoyo gyabwe ku by'obwagazi bwajo ,obuddiro bwabwe ye janna (enyumba eyemirembe) .Quraane :79:37-41)

www.islamic-message.net
AHLAN : www.ahlan-group.com
www.facebook.com/Ahlan.Explore
info@ahlan-group.com
africaislamicdaawah@gmail.com

AFRICA ISLAMIC DAAWA ASSOCIATION. (AIDA)

# Okukowoola buli muntu okwegatta ku bakkiriza mu kunoonya okusaasira kwa Allah.

# EKKUBO ERINAKUTUUSA MU BUSIRAAMU.

## ABC

## OBUSIRAMU

## OKUKKIRIZA/ OBUKKIRIZA

Conveying Islamic Message Society
P.o.Box 834 - Alex - Egypt
E-Mail:info_en@islamic-message.net
E-mail:cims_eg@yahoo.com
Site: www.islamic-message.net
Not for sale يهدى ولا يباع

باللغة اللوجنديه

## OBUSIRAAMU KYEKKI?

1.Obusiramu (bulimu)ebintu ebikulu bisaatu: okwatula,okukkirizza no'kuteeka munkola.

2.Okwatula kwe kwogera bwoti : Ashahadu anal ilaaha illa llaah ,wa ashihadu anna muhammada rasuulu llaah. Bino bitegeeza : Nkakasa nti tewali alina kusinzibwa mu butuufu yenna okuggyako Allah ,era nkakasa nti Mohammad mubaka we.

3.Obukkirizza kwe kukkirizza mu Allah omu ,bamalayika ,ebitabo ebyava mu ggulu ,bannabbi be no'lunaku lw'enkomerero.

4.Okuteeka mu nkola (emirimu) gye gino: okuyimirizaawo esswala,okuwa zakat,okusiiba nokulamaga olugendo lw'emakka okulambula ennyumba ya Allah (kabah)

## OKUKKIRIZA ALLAH

1*Tukkiriza nti Allah ye katonda omu yekka ,omutonzi waffe na buli kintu kyonna

2*Allah ye mutonzi wa buli kintu kyonna

3*Ebirala byonna ebitali yye bitonde butonde ,era bigabirirwa bugabirirwa tebirina kakwate konna kubuyinza bwe

4*Bamalayika nebanabbi nabo baddu be Allah era yye gwe bawereeza .

5*Mu banabbi mulimu Isa masiya ne Mohammad (emirembe gibe kubo) era bombi ssi bakatonda abasinzibwa.

6*Allah mulamu tafa ,tavaawo ,yeyimirizaawo yekka yeyasooka okubaawo talina ntandiikwa wadde enkomerero.

7*Allah awulira buli kintu era alaba buli kimu.

8*Ye musaasizi asinga ,owe'kisa ate nga yew'obuyinza.

9*Ye ya'lina amanya agasinga obulungi ne'bitendo ebisinga okuba ebyawaggulu

10*Allah yatutonda ng'atujja mubutaliiwo mu kifaananyi ekisinga obulungi na'tuwa ebirungi bingi bye tulina .

11.*N'olwekyo tetulina kusinza oba kugondera mulala yenna atali yye ,wadde malayika oba nabbi mubanabbi beyatuma

12*Oyo yenna asaba oba asinza ekitali Allah oba nawaayo saddaka kulwakyo aba afuuse atakkirizza.

13*Allah atugamba (mu makulu) "Gamba nti; mazima okusinza kwange ,okuwaayo,obulamu n'okufa kwange byonna bya Allah omulezi webitonde byonna .Talina kimwegattako era kino kye nalagirwa okukola era asooka mu aba abajeemulukufu gyali."(Al-Quran 6:162-163).

14*Obusramu y'eddiini esinzibwa katonda omu .Buwakanyizza ddala enzikirizza ya bakatonda ababiri eya 'bamajuusi saako n'eyo eyabakulisitaayo nti bali basatu .Mu busiramu Allah ali omu yekka era ye katonda .Talinaayo gw'afuga naye nti naye amumuyambako Alina amanya ne'bitendo ebisingayo obulungi

15*Allah atugamba (mu makulu) : "Bagambe ,Ye Allah ali omu yekka .Wanjawulo ,tavaawo,yalina obuyinza ku buli kimu.Tazaala ate teyazaalibwa .Talinaayo kimufaanana kyonna yadde ekimu." (kuraane 112).

## OKUKKIRIZA BAMALAYIKA

1*Allah yatonda bamalayika bamusinza ,bakole by'ayagala bamuweereze ate babe ababaka be eri bannabbi be.

2*Omu ku bamalayika bano eyaleetanga obubaka eri nabbi waffe Mohammadi emirembe gibe kuye.

3*omulala ye malayika avunanyizibwa kukufa kw'ebitonde byonna n'abantu era aggyamu emyoyo gyabyo ng'okuffa kwabyo kutuuse,

4*Bamalayika tebali kirala okuggyako baweerezza ba Allah abebitiibwa .

5*N'olwekyo naffe tulina okubawa ekitiibwa n'okuboongeerako obulungi .

6*Tetusinza n'omu mubo era tetubatwala nti baana ba Allah oba bawalabe ng'abatakkirizza bwebagamba

7*Tusinza Allah yekka eyabatonda mungeri yabwe ey'enjawulo

8*Allah owekitiibwa atugamba (mu makulu); "Era bagamba;Allah ow'ekitiibwa yazaala omwana ,yayawukana ,tebali okugyako baddu abebitiibwa .Tebayogera kintu kyonna okujjako luvanyuma lwe ,era bakoleera kubiragiro bye .Amanyi ebiri mu maaso n'emabega waabwe ,ate tebaliwolereza okujjako gwaliba akkirizza ,bamutya era bamugondera ,Singa omu kubo amala n'agamba nti ,"ndi katonda nange atali yye (Allah),oyo nabwekityo tujja kumusasula na muliro" bwetutyo bwe tusasula aboononyi,"(Quraane 21:26-29).

## OKUKKIRIZA EBITABO BYA ALLAH

1*Allah yassa ebitabo eby'enjawulo ng'abiwa ababakabe beyatuma babisomese abantu engeri gye balina okumusinzaamu.

2*Ebitabo bino birimu bigambo namateeka ga Allah.

Ebimu kubyo bye bino;

-Ekitabo kya Ibrahim (Abraham)

-Tawurat(Torah).ekyaweebwa Musa (moses)

-Zabburi (Psalms)ekyaweebwa Dawuda(David)

-Injil (Gospels) ekyaweebwa Isa masiya (jesus)

-Quraane eyaweebwa Mohammad (emirembe gibe kubo)

3*Abayudaaya n'abakurisitaayo bakyuusa ne bakweeka agamu ku mateeka agaali mu bitabo byabwe(Taurat ne Injil)

5*Olwokuba Quraane kye kitaabo ekyasembayo okukka okuva eri katonda ,ekakasa amazima gonna agaali mu bitabo ebyagisooka era egajyayo bulungi.

6*Allah ow'ekitiibwa atugamba ; "Tukussizzaako ekitabo nga kikakasa ebyo ebyakka olubereberye lwakyo era kibikuuma ……………" (Quraane : 5:48)

7*Allah yassa Quraane mu lulimi oluwalabu era nga yasuubiza okugikuuma obutakyusibwa kyusibwa ,atugamba mu Quraane "mazima tussizza ekitabo kino era nga ffetujja kukikuuma (obutakyusibwa kyusibwa ) Quraane ;15 :9